**03rd September 2017.**

# MUKAMA YE MUKAMA.

**Okuva 4:19 - 6:13.**

**4:19-30 -** Mukama ng'amaze okusisinkana Musa e Midiyaani era ng'amulaze ebyamagero omuli omuggo okufuuka omusota, era n'okugengewaza omukono gwe ate n'aguzzaawo ebyaali obumu ku bubonero obwaali obw'okulaga obukulu bwa Katonda eri Musa, Falaawo, wamu n'Abayisirayiri. Asindika Musa addeyo e Misisri gye yali adduse obuddusi oluvannyuma lw'okutta omumisiri eyali atulugunya omu ku Bayudaaya.

Musa asitula okuddayo e Misiri n'ebigambo eri Falaawo okuva eri Mukama okuleka Abayisirayiri bagende baweereze Mukama era nga mu kuddayo tulaba nga Zipola muka Musa akomola mutabani waabwe wamu ne Musa okusisinkana ne Alooni muganda we.

Okufaananako n'ekiragiro ekyaweebwa Yusufu bwe yali addusizza Yesu aleme okuttibwa Kerode mu Matayo 2:19, "Kerodde bwe yamala okufa malayika wa Mukama n'alabikira Yusufu mu kirooto e Misiri, n'amugamba nti, ''Golokoka ozzeeyo Omwana ne nnyina mu Isirayiri kubanga abaali baagala okutta omwana bafudde".'

A. **Mukama Katonda waffe amanyi buli kimu era nga tewali kibaawo kisukkulumye kutegeera kwe. Ajjawo abafuzi era n'ayimusa abalala olw'ebigendererwa bye naye nga bwe tumanyi;** "Era tumanyi nga eri abo abaagala Katonda, era abo abayitibwa ng'okuteesa kwe bwe kuli, ebintu byonna bibatuukako olw'obulungi." (Bar. 8:28).

Wano bangi ku ffe twandibadde n'okuwabula nga tugamba nti Falaawo yandifiiridde wali we yali ayagalira okuttira Musa naye nga Mukama bw'amanyi byonna; zino zaali nteekateeka ze mu kumanya kwe okusukkulumye okwa buli muntu nti alisisinkana Musa e Midiyaani.

**5:1-9 -** Musa ne Alooni balabikako mu maaso ga Falaawo era bamusaba okuleka Abayisirayiri bagende naye ababuuza nti "Mukama ye ani, mmugondere nzikirize Abayisirayiri?, sijja kubakkiriza kugenda."

Wano we tuggye omutwe gw'okusoma kwaffe era nga guzze mu ngeri ya kyakuddamu eri ekibuuzo Falaawo kye yabuuza nti "**Mukama ye ani**?" Era mu kuddamu okutuweebwa mu ssuula ey'omukaaga **"Mukama Ye Mukama."**

Falaawo yasinzibwanga nga katonda mu Misiri era yali wamaanyi mu nsi yonna era bino abyoogera kubanga yali yeegulumizza era ne Mukama naakakanyaza omutima gwe nga bwe tulabye mu 4:21.
Falaawo alagira okukaliga obuyinike bw'Abayisirayiri ng'ababumbisa amatoffaali gattako n'okwenoonyeza essubi ery'ali ligatabulwaamu okugagumya ekitaaliwo nga Alooni ne Musa tebannalabika gy'ali era ekiragiro kye kissibwa mu nkola mu lunyiriri olwe 10-21 eky'okukozesa Abayisira era nga ababakozesa baakuba bannampala Abayisirayiri abaagenda okwekubira enduulu eri Falaawo era ng'ono yabategeeza nti baali bagayaavu bugayaavu era naabasindika badde ku mirimu mu bwangu.
**Vs 22-23** - Musa abuuza Mukama lwaki atadde abantu mu mitawaana kubanga ye yalowooza nti bijja kuba bya kwogera bwogezi bateebwe.
**6:1-13 -** Mukama ye Mukama (NZE MUKAMA); kye ky'okuddamu ekiweebwa Musa.

B. Ye Mukama Ow'amaanyi era agamba nti kubanga wa maanyi Falaawo alibagoba mu nsi ye.

C. Ye Katonda eyeeraga Ibulayimu, ne Isaaka, ne Yakobo era Katonda ayinza byonna.

D. Ye Mukama asuubiza, ow'endagaano era ajjukira endagaano ye.

Agamba Musa agambe Abayisirayiri nti Ye Mukama era agambe ne Falaawo nti Ye Mukama. Mu maaso g'Abayisirayiri Ye Mukama era ne mu maaso ga Falaawo Ye Mukama.

E. Ye Katonda atakyuukakyuuka mu maaso g'abamukkiriza n'abatamukkiriza. "Katonda si muntu, nti ayinza okulimba, oba nti mwana wa bantu nti akyuuksakyuusa ebigambo bye. Ayogera n'atakola? Asuubiza n'atatuukiriza?" (Okubala 23:19)

Buli Mukama ky'ali takyeeyita wabula akiri era kubanga Ali; abagamba nti:

i. Alibattikkula emigugu. Ne leero agamba nti "Mujje gye ndi mmwenna abakooye era abazitoowereddwa, nange nnaabawummuza." ( Matayo 11:28)

ii. Alibawonya obuddu.

iii. Alibanunula n'omukono gwe ogw'amaanyi.

iv. Alibafuula abantu be era n'abeera Katonda waabwe.

v. Alibatwala mu nsi gyeyalayirira okuwa Ibulayimu, ne Isaaka, ne Yakobo.

NAYE Abayisirayiri tebakkiriza bigambo bya Musa "kubanga emitima gyaali gib'ennyise, nga n'okutuntuzibwa kubayitiridde."

Ebyo byonna Mukama by'ali ne by'asuubiza abiri era abiyinza naye byalabika nga bigambo bugambo olw'ebyo Abayisirayiri bye baali bayitamu.

Falaawo yali agulumidde era ng'embeera ebayinze obuzito ne balowooza nti ebya Musa tebisobola kuvaamu bikolwa.

F. Te tuli banjawulo na Bayisirayiri bano; tusobola okwatula obukulu bwe naye emirundi egimu embeera zigulumira ne twelabira bye tumanyi ku Katonda. Naye mu byonna tumanye nti Ye Mukama.

"Naye kaakano bw'atyo bw'ayogera Mukama oyo eyakutonda, ggwe Yakobo, eyakukola ggwe Isirayiri: "Totya kubanga nkununudde, nakuyita nga mpitira ddala erinnya lyo, oli wange. Bw'onooyita mu mazzi amawanvu nnaabeera nga naawe, ne bw'onooyita mu muliro tegukwokyenga, ennimi z'omuliro tezirikwokya." (Isaaya 43:1-2)

Ebigambo by'okukkiriza bizibu, tumala kuwulira bigambo ebitaba byangu kukkiriza olw'ebyo bye tuyitamu ne tulyoka tulaba ebikolwa ebiri emabega waabyo.

Ssinga twasookanga kulaba bikolwa olwo ebigambo ne bigoberera, bangi twandikkirizza mangu wewaawo era bangi bandiwakanye naye yaddeko bwekityo.

Katonda gwetwogerako Ye nnannyini biseera; ebyayita, ebiriwo, era n'ebiribaawo.

Alina ensi ensuubize gyeyasuubiza buli muntu amukkiriza gyalibeera mukwesiima emirembe gyonna. "Kubanga Katonda bwe yayagala ensi, bw'tyo n'awaayo Omwana we omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme kuzikirira wabula afune obulamu obutaggwaawo." (Yokaana 3:16)

Bwe yawulira okukaaba kwa Isirayiri yatuma Musa, naye bwe yayagala abalina ebibi era abaali abaddu b'ekibi yawaayo Yesu Kristo nti buli amukkiriza aliba n'obulamu obutaggwawo era nga mu Yye tulina Ekkubo, n'Amazima, n'Obulamu.

Mukama ayita buli omu okuyita mu Kristo Yesu okufuna ekiwummulo mu Yye kubanga Ye Mukama.

"Mudde gye ndi, mulokoke, mmwe mwenna abali ku nkomerero z'ensi, kubanga nze Katonda so tewali mulala." (Isaaya 25:22)